# وجوب العمل بالسنة وكفر من أنكرها

# Obw'etteeka bw'okukolera ku nkola y'omubaka okusaasira n'emirembe bibeera ku yye, n'okukaafuwala kw'oyo akiwakanya.

# Obw'etteeka bw'okukolera ku nkola y'omubaka okusaasira n'emirembe bibeera ku yye, n'okukaafuwala kw'oyo akiwakanya.

## kyawandiikibwa:

Abdul-Aziizi Ibun Abdullah Ibun Baazi Allah amusaasire

Nsoose n'erinnya lya Allah omusaasizi ennyo ow'ekisa ekingi

## Ennyanjula

Amatendo amajjuvu ga Allah omulezi w'ebitonde byonna, n'obuddiro obulungi bw'abo abatya Allah, okusaasira n'emirembe bibeere kumudduwe era omubaka we Muhammad; omutume nga kyakusaasira eri ebitonde byonna, neku bantu be ne ba swahaaba be abo abeetikka ekitabo ky'omulezi waabwe eyayawukana, ne sunnah (hadiith) za Nabbi waabwe - okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- okubituusa kw'abo abajja oluvannyuma lwabwe, n'obwesigwa obwekika ekyawaggulu, n'obukugu, n'okukuuma okujjuvu eri amakulu n'enjatula yaabyo - nsaba Allah abasiime bonna era abasiimye era atusse mw'abo

ababagoberera mu kulongoosa era abajulira ku baddu bonna. N'oluvannyuma lw'ebyo:

Mazima abamanyi okuva edda n'olwaleero beegatta n'ebagamba nti ebikolo ebyesigamiziddwako okuyimirizaawo n'okukakasa amateeka, n'okunnyonnyola ebikkirizibwa n'ebitakkirizibwa (biri) mu kitabo kya Allah ow'ekitiibwa ekyo ekitatuukibwako bukyamu bwonna nga buva mu maaso gakyo oba emabega waakyo, oluvannyuma mu Sunnah (hadiith) za Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- oyo atayogera nga ajja ku kwagala kwe okujjako (ayogera) bubaka obumussibwako, n'oluvannyuma ate mu kwegatta kw'abamanyi b'ekibiina kino, wabula ate abamanyi nebaawukana ku bikolo ebirala, nga ekisinga mubyo; kwekugerageranya (qiyaasi) nga abamanyi abasinga obungi bagamba nti kwesigamizibwako ennamula singa kutuukiriza obukwakkulizo obwetaagisa. Era obujulizi ku bikolo bino bungi tebubalika era bumanyifu nebwebuba nga tebumenyeddwa.

# Ebikolo ebyesigamwako mu kunywezaawo amateeka:

## Ekikolo ekisooka: Kitabo kya Allah ekyekitiibwa (Qura'an)

Wabula ekikolo ekisooka: Ky'ekitabo kya Allah ekyekitiibwa, era mazima ebigambo bya Allah owekitiibwa mu bifo ebyenjawulo okuva mu kitabo kye bijulira kukyo nga biraga obwetteeka bw'okugoberera ekitabo kino n'okukyekwatako n'obutasukka nsalo zaakyo.

Allah yagamba:

﴿وَهَذَا كِتَابٌ أَنْزَلْنَاهُ مُبَارَكٌ فَاتَّبِعُوهُ وَاتَّقُوا لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ﴾

{Nakino kitabo twakissa nga kya mikisa, kale mukigoberere era mutye Katonda, mulyoke musaasirwe}

Era Allah yagamba

﴿قَدْ جَاءَكُمْ رَسُولُنَا يُبَيِّنُ لَكُمْ كَثِيرًا مِمَّا كُنْتُمْ تُخْفُونَ مِنَ الْكِتَابِ وَيَعْفُو عَنْ كَثِيرٍ قَدْ جَاءَكُمْ مِنَ اللَّهِ نُورٌ وَكِتَابٌ مُبِينٌ يَهْدِي بِهِ اللَّهُ مَنِ اتَّبَعَ رِضْوَانَهُ سُبُلَ السَّلَامِ وَيُخْرِجُهُمْ مِنَ الظُّلُمَاتِ إِلَى النُّورِ بِإِذْنِهِ وَيَهْدِيهِمْ إِلَى صِرَاطٍ مُسْتَقِيمٍ﴾

{Mazima yabajjira omubaka waffe abategeeze bingi byemwaali mukweka mu kitabo (kyammwe), mu ngeri y'emu asonyiwe bingi, mazima kyabajjira ekitangaala n’ekitabo ekyeyolefu nga (Katonda)

aluŋŋamya nakyo yenna aba agoberedde ebimusiimya ku makubo g'okuwona (ebibonyobonyo) era n'abajja mu bizikiza nga abazza eri ekitangaala kulw'okwagalakwe, era n'abaluŋŋamya ku kkubo eggolokofu}

Era Allah yagamba

﴿إِنَّ الَّذِينَ كَفَرُوا بِالذِّكْرِ لَمَّا جَاءَهُمْ وَإِنَّهُ لَكِتَابٌ عَزِيزٌ لَا يَأْتِيهِ الْبَاطِلُ مِنْ بَيْنِ يَدَيْهِ وَلَا مِنْ خَلْفِهِ تَنْزِيلٌ مِنْ حَكِيمٍ حَمِيدٍ﴾

"Mazima abo abaawakanya okubuulirira (Qur'ani), bwe kwa bajjira era mazima yo (Qur'ani) kitabo kya kitiibwa. Obutali butuufu tebuyinza kujijjira kuva mu maaso gaayo, wadde mabega waayo (n'ekyusibwamu), essibwa nga eva wa Mugoba nsonga atenderezebwa ennyo (Katonda).

Era Allah yagamba

﴿وَأُوحِيَ إِلَيَّ هَذَا الْقُرْآنُ لِأُنْذِرَكُمْ بِهِ وَمَنْ بَلَغَ﴾

{Era nnaweebwa Qur'ani eno nga bubaka mbe nga mbatiisa nayo n'abo b'erituukako abatali mmwe}

Era Allah yagamba

﴿هَذَا بَلَاغٌ لِلنَّاسِ وَلِيُنْذَرُوا بِهِ﴾

{ Kuno kutuusa (bubaka) eri abantu era babe nga balabulwa nabwo (ebyaziyizibwa)}

Ne aaya (ezajjira) ku makulu ago mpitirivu, era mazima ne hadiith entuufu zajja okuva ku Mubaka wa

Allah okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nga ziragira okwekwata ku Quraan n'okugyenywerezaako, nga ziraga nti mazima yenna agyekwatako abeera ku buluŋŋamu era yenna agireka abeera ku bubuze. Nga mubwo, ye (hadiith) enkakafu okuva ku Nabbi - okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagamba mu hijja ye ey'okusiibula nti:

( إِنّي تاركٌ فيكُمْ مَا لَنْ تضلوا إن اعْتَصَمْتُمْ بِهِ كِتَابَ اللهِ)

(Mazima ndese mu mmwe ekitabo kya Allah (Quraan) ebbanga lyemunaamala nga mukyekutteko temugenda kubula)

yayogerwa Muslim mu kitabo kye swahiihi Muslim

Era mu swahiih Muslim era, hadiith nga eva ku Zaid Ibun Ar-qam -Allah Amusiime- (agamba) nti mazima Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagamba:

« إِنّي تارك فِيكُمْ ثِقْلَين أَوَّلهُما كِتابُ الله فيهِ الهُدَى والنُّور فَخُذوا بِكتَابِ اللهِ وَتَمَسّكُوا بِهِ»

«Mazima ndese mummwe ebizito bibiri ekisooka kubyo Kitabo kya Allah, kirimu obuluŋŋamu, n'ekitangaala, mwekwaate ku kitabo kya Allah era mukyenywerezeeko»

N'akubiriza (okwekwata) ku kitabo kya Allah n'okukitwagazisa oluvannyuma n'agamba:

«وَأَهْلُ بَيْتي أذَكِّرُكُمُ الله في أهل بيتي أذكركم الله في أهل بيتي»

«N'abantu b'ennyumba yange, mbajjukiza okutya Allah mu bantu b'ennyumba yange, mbajjukiza okutya Allah mu bantu b'ennyumba yange»

Ate mu njogera endala yayogera ku Quraan nti:

هو حبل الله من تمسك به كان على الهدى ومن تركه كان على الضلال.

Gwe muguwa gwa Allah, nga yenna agwekwatako aba ku buluŋŋamu, n'omuntu yenna aguleka aba kububuze.

Ne hadiithi endala ezajjira ku makulu ago nnyingi, (N'obujulizi) mu kwegatta kwa bannannyini kumanya n'obukkiriza muba swahaaba n'abo abajja oluvannyuma lwabwe, kubwetteeka bw'okwekwata ku kitabo kya Allah n'okukiramuzisa n'okudda gye kiri n'okweramula nakyo wamu ne Sunnah z'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- (bungi nnyo) bumala bumazi obutawanvuya nga tuli mu kwogera bujulizi obwajja ku nsonga eno.

## Ekikolo ekyokubiri: Bye byo ebituufu ebyakakasibwa okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ne ba swahaabah be n'abo abajja oluvannyuma lwabwe mubaanannyini kumanya n'obukkiriza.

Naye kkyo ekikolo ekyokubiri kiri mubikolo ebisatu ebyegattibwako, bye bituufu ebyakakasibwa

okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ne ba swahaabah ba Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- n'abo abajja oluvannyuma lwabwe mubannanyini kumanya n'obukkiriza, bakkiririza mukikolo ekyo ekinywevu era nebeesembesa nakyo era nebakisomesa Umma, Baatunga ku nsonga eyo ebitabo bingi Era nebaginnyonyola mu bitabo bya Usuulu-lfiqih ne mubya Mustwalih, era n'obujulizi ku nsonga eyo tebubalwa olw'obuyitirivu bwabwo, Mu bwo mwemuli obwajja mu kitabo kya Allah eky'ekitiibwa nga bulagira okumugoberera n'okumugondera (nabbi Muhammad -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-) era nga okwo okulagira kudda eri abantu b'omulembe gwe n'abanajja oluvannyuma lwabwe kuba mubaka eri bonna, ate bonna balagirwa okumugoberera n'okumugondera okutuusa enkomerero lweriyimiririrawo, n'olwokuba nti ye muvvuunuzi w'ekitabo kya Allah era omunnyonnyozi w'ebyo ebiba tebitegeerekese bulungi mu kyo, (nga akozesa) ebigambo bye n'ebikolwa bye n'okukaatiriza / okukkiriza ebyo ebiba bikoleddwa waali, era (oluvannyuma lwa Allah) singa sunnah (hadiith) tezajja, abasiraamu tebanditegedde muwendo gwa

laaka za sswalah n'engeri gyesaalibwamu nabiki eby'etteeka mu yyo, era tebanditegedde bulambulukufu bwamateeka agafuga okusiiba, ne zaka, ne hijja, ne Jihaad, n'okulagira empisa ennungi n'okuziyiza empisa embi. era tebanditegedde bulambulukufu bwamateeka agafuga enkolagana (wakati w'abantu) nabiki Allah byeyabaziyiza ne byeyabakakasaako nga ebibonerezo. Era mu aayaat ezajja kunsonga eyo kyekigambo kya Allah ekyajja mu Suurat Aal-Imraan nga agamba:

﴿وَأَطِيعُوا اللَّهَ وَالرَّسُولَ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ﴾

{ Era nno mugondere Allah n'Omubaka we olwo nno mulyoke musaasirwe }

N'ekigambo kya Allah mu suurat An-Nisaa:

﴿يَاأَيُّهَا الَّذِينَ آمَنُوا أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ وَأُولِي الْأَمْرِ مِنْكُمْ فَإِنْ تَنَازَعْتُمْ فِي شَيْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى اللَّهِ وَالرَّسُولِ إِنْ كُنْتُمْ تُؤْمِنُونَ بِاللَّهِ وَالْيَوْمِ الْآخِرِ ذَلِكَ خَيْرٌ وَأَحْسَنُ تَأْوِيلًا﴾

﴿Abange mmwe Abakkiriza mugondere Allah era mugondere n'omubaka (we) n'abakulembeze mu mmwe, bwe mufuna obutakkaanya ku nsonga yonna mugizze eri Allah n'omubaka, bwe muba nga mukkiriza Katonda n'olunaku lw'enkomerero, ekyo kyekirungi era kyekivaamu ebibala ebirungi﴾

Era Allah n'agamba mu Suurat An-Nisaa:

﴿مَنْ يُطِعِ الرَّسُولَ فَقَدْ أَطَاعَ اللَّهَ وَمَنْ تَوَلَّى فَمَا أَرْسَلْنَاكَ عَلَيْهِمْ حَفِيظًا﴾

Omuntu agondera omubaka mazima aba agondedde Allah, n’omuntu akola ekyennyume ky'ekyo tetukutumanga (Ggwe Muhammad) kubeera kalondoozi ku bo.

Era butya bwekisoboka okumugondera n'okuzza ekyo kyonna abantu kyebakaayanyemu eri ekitabo kya Allah ne sunnah z'Omubaka we singa sunna ze tebazeesembesa oba singa zonna ziba tezikuumiddwa, era okusinziira ku kigambo ekyo (ekigamba nti sunna sinkulu era tezesembesebwa nazo mukuyimirizawo amateeka g'eddiini) kiba kitegeenza nti Allah yalagira abaddu okudda eri ekintu ekitaliiwo, ate nga ekyo kyekifu ekisinga ebifu byonna, n'obugyemu eri Allah obusinga, wamu n'okumulowooleza okubi.

Era Allah ow'ekitiibwa n'agamba mu Suurat An-Nahli:

﴿وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الذِّكْرَ لِتُبَيِّنَ لِلنَّاسِ مَا نُزِّلَ إِلَيْهِمْ وَلَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ﴾

﴿Era twassa ku ggwe ekyokujjukiza (Qur'an) osobole okunnyonnyola abantu ekyo ekyassibwa gye bali olwo babe nga bafumiitiriza﴾

Era Allah n'agamba muyo:

﴿وَمَا أَنْزَلْنَا عَلَيْكَ الْكِتَابَ إِلَّا لِتُبَيِّنَ لَهُمُ الَّذِي اخْتَلَفُوا فِيهِ وَهُدًى وَرَحْمَةً لِقَوْمٍ يُؤْمِنُونَ﴾

﴿Tetwakussaako kitabo (kino) wabula lwa kukusobozesa kubannyonnyola ekyo kye baawukanamu, (Qur'an) buluŋŋamu era kya kusaasira eri abantu abakkiriza﴾

Kati butya Allah bw'asigira Omubaka we - okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- okunnyonnyola ebyassibwa ku yye ne sunnah ze ezitaliiwo oba ezitesembesebwa nazo?

Era n'ekifaana ekyo kyekigambo kya Allah mu Suurat An-Nuur:

﴿قُلْ أَطِيعُوا اللَّهَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ فَإِنْ تَوَلَّوْا فَإِنَّمَا عَلَيْهِ مَا حُمِّلَ وَعَلَيْكُمْ مَا حُمِّلْتُمْ وَإِنْ تُطِيعُوهُ تَهْتَدُوا وَمَا عَلَى الرَّسُولِ إِلَّا الْبَلَاغُ الْمُبِينُ﴾

Bagambe nti: mugondere Allah era mugondere omubaka, bwe bagaana mazima (Nabbi) avunaanyizibwa ku ebyo ebyamutikkibwa nga nammwe bwe muvunaanyizibwa kw'ebyo ebyabatikkibwa, naye bwe mumugondera mujja kuluŋŋama, era omubaka tabanjibwa okujjako okutuusa obubaka okweyolefu.

Era Allah n'agamba mu suura y'emu:

﴿وَأَقِيمُوا الصَّلَاةَ وَآتُوا الزَّكَاةَ وَأَطِيعُوا الرَّسُولَ لَعَلَّكُمْ تُرْحَمُونَ﴾

﴿Muyimirizeewo e sswala era mutoole zzaka mugondere n'omubaka mube nga musaasirwa﴾

Era n'agamba mu Suurat Al-A'raaf:

﴿قُلْ يَا أَيُّهَا النَّاسُ إِنِّي رَسُولُ اللَّهِ إِلَيْكُمْ جَمِيعًا الَّذِي لَهُ مُلْكُ السَّمَاوَاتِ وَالْأَرْضِ لَا إِلَهَ إِلَّا هُوَ يُحْيِي وَيُمِيتُ فَآمِنُوا بِاللَّهِ وَرَسُولِهِ النَّبِيِّ الْأُمِّيِّ الَّذِي يُؤْمِنُ بِاللَّهِ وَكَلِمَاتِهِ وَاتَّبِعُوهُ لَعَلَّكُمْ تَهْتَدُونَ﴾

{Gamba (ggwe Nabbi Muhammad), nti abange mmwe abantu, mazima nze ndi mubaka wa Katonda, eri mmwe mwenna, (Katonda) oyo bubwe obufuzi bw'eggulu omusanvu ne nsi, tewali kintu kyonna kisinzibwa okujjako yye, awa obulamu, era n'atta, kale nno mukkirize Katonda n'omubakawe, Nabbi ataasoma biwandiiko, oyo akkiriza Katonda n'ebigambobye, era mumugoberere, olwo nno mube nga muluŋŋamye}

Era mu aaya ezo mulimu obujulizi obweyolefu obulaga nti mazima obuluŋŋamu n'okusaasirwa biri mu kumugoberera -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- naye butya ekyo bwekisoboka nga tewali kukolera ku sunnah ze, oba okugamba nti mazima sintuufu oba nti tezeesigamwako

Era Allah n'agamba mu Suurat An- Nuur:

﴿فَلْيَحْذَرِ الَّذِينَ يُخَالِفُونَ عَنْ أَمْرِهِ أَنْ تُصِيبَهُمْ فِتْنَةٌ أَوْ يُصِيبَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ﴾

﴿Abo abaawukana ku kigambokye bateekeddwa okwekeka (okutya) okuba nga batuukwako okugezesebwa oba ebibonerezo ebiruma ennyo﴾

Era n'agamba mu Suurat Al- Hashir:

﴿وَمَا آتَاكُمُ الرَّسُولُ فَخُذُوهُ وَمَا نَهَاكُمْ عَنْهُ فَانْتَهُوا﴾

﴿Ebyo byonna omubaka by'aba abaleetedde mubitwale. Ate ebyo byonna by'aba abaziyizza mubireke﴾

Ne aaya endala mu makulu ago nnyingi nga zonna ziraga obw'etteeka bw'okumugondera -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- n'okugoberera ebyo bye yajja nabyo nga bwetwakirabye mu bujulizi obwakulembedde obulaga obw'etteeka bw'okugoberera ekitabo kya Allah n'okukyekwatako n'okugondera ebiragiro bye (n'okwewala) byeyaziyiza. Era (Quraan ne hadiithi) bikolo bibiri bitambulira wamu, era yenna awakanya ekimu kubyo aba awakanyizza n'ekirala era nakirimbisa, ate nga obwo bukaafu (butakkiriza) nabubuze nakufuluma mu busiraamu okusinziira ku kwegatta kwa bannannyini kumanya n'obukkiriza.

N'obujulizi obwajja kunsonga eno mu hadiithi okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-

Mazima hadiithi zajja nga zigoberegana okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- mu kulaga obw'etteeka bw'okumugondera n'okugoberera byeyajja nabyo, n'okuziyiza

okumujeemera kw'abo bonna abaali ku mulembe gwe n'eri abo bonna abanajja oluvannyuma lwe okutuusa kulunaku lw'enkomerero. Era muzo mulimu hadiithi enkakafu muswahiihi ebbiri (Bukhar ne Muslim) mu hadiithi ya Abu hurairah -Allah Amusiime- agamba nti mazima Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagamba:

«مَنْ أَطَاعَنِي فَقد أَطَاعَ الله ومَن عَصَانِي فقد عَصَى الله»

«Yenna angondera aba agondedde Allah n'oyo yenna anjeemera aba ajeemedde Allah»

Era ne muswahiihi Bukhaari okuva ku Abu hurairah -Allah Amusiime- agamba nti mazima Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagamba:

«كلّ أمَّتي يَدخُلونَ الجنةَ إلا مَن أَبَى قِيلَ يا رسولَ اللهِ ومَن يَأبَى قَالَ مَن أَطَاعَني دَخَلَ الجنة ومَن عَصَاني فَقد أَبَى»

«Abantu b'ekibiina kyange bonna bajja kuyingira e Jjana okujjako anaaba agaanye, n'abuuzibwa nti Omwange Omubaka wa Allah ate ani ayinza okugaana? n'agamba nti: Yenna angondera ayingira ejjana na yenna anjeemera aba agaanye »

Era Imaam Ahmad, Abu-Dauda ne Al-haakim baayogera hadiithi mulunyiriri olutuufu, nga eva ku Miqidaad Ibun Ma-adiy karbu nga agijja ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nti mazima yagamba:

«أَلا إِنِّي أوتِيتُ الكِتابَ ومِثْلَه مَعَهُ أَلا يُوشِكُ رَجلٌ شَبْعانُ على أريكَتِهِ يَقولُ عَليكمْ بِهذا القُرآنِ فَما وَجَدْتُمْ فيهِ مِن حَلال فأَحِلُّوهُ وَمَا وَجَدْتُم فيه مِن حَرامٍ فَحَرِّمُوهُ»

«Abange mazima ddala naweebwa Ekitabo wamu n'ekikifaanana, (hadiith) abange mazima kisemberedde (okusanga) omusajja omwekuluntaze nga ali ku kitanda kye ng'agamba nti: mwekuumire ku Quraan eno kyonna kyemusaanze muyo nga kikkirizibwa mukikkirize nakyonna kyemusanze muyo nga kyaziyizibwa mukiziyize»

Era Abu dawuda nayogera (nafulumya) hadiithi, ne Ibun Maajah mulunyiriri olutuufu, nga eva ku Ibun Abii Raafi-e nga naye agijja ku kitaawe nga agijja Ku Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagamba:

«لا أَلْفِينَّ أَحدَكُم مُتَّكِئًا عَلى أَريكتِهِ يَأتِيهِ الأمْرُ مِن أَمْري مَمّا أَمَرْتُ بِهِ أو نَهَيْتُ عَنْهُ فَيقولُ لا ندْري، ما وَجَدْنا في كِتابِ اللهِ اتَّبَعْنَاه»

«Mazima ddala ssisanga nga omu mu mmwe nga asowodde yeebase/yeesigamye ku buliri bwe atuusibweko ekiragiro mu biragiro byange mw'ebyo byennalagira oba byennaziyiza, agambe nti ebyo ffe tetubimanyi (totunyumiza), byetusanga mu kitabo kya Allah (byokka) byetugoberera»

Era hadiith nga eva ku Al-Hassan Ibun Jaabir yagamba nawulira Al-miqidaad Ibun Ma-adiy karba -Allah Amusiime- nga agamba:

حَرّمَ رَسولُ الله -صلى الله عليه وسلم- يومَ خَيْبَر أَشْياءَ ثم قَالَ « يُوشِكُ أَحَدُكُم أَن يُكذِّبَني وَهو مُتّكِئ يُحَدِّث بحدِيثي فَيقولُ بَيْنَنا وَبَيْنكُم كِتابُ اللهِ فما وَجَدْنَا فِيهِ من

حَلالٍ اسْتَحْلَلْنَاهُ وَمَا وَجَدْنا فيه من حَرام حَرّمْنَاهُ أَلا إِنَّ مَا حَرّمَ رسُولُ اللهِ مِثْلُ مَا حَرّمَ الله»

«Yaziyiza Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ku lunaku lwa Khaibara ebintu oluvannyuma n'agamba: ssi nakindi (kiyinza obutazitowerera) omu mu mmwe kunnimbisa nga n'okwesigama yesigamye anyumya hadiith yange olwo nno agambe nti wakatiiwaffe nammwe waliwo kitabo kya Allah, kyonna kyetusanga mukyo nga kikkirizibwa tukitwala nti kikkirizibwa, nakyonna kyetusangamu nga kyaziyizibwa tukitwala nti kyaziyizibwa, abange mazima kyonna Omubaka wa Allah ky'aba yaziyiza kifaanana n'ekyo Allah kyeyaziyiza»

Yayogerwa Al-haakimu ne Tirimithi ne Ibun Maajah mulunyiriri nga lutuufu.

Era hadiithi ez'enjawulo okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- zajja nga zigoberegana ate mu bungi, nga zilaga nti mazima Nnabbi yali alaamira ba swahaababe mu khutubaze nga abagamba nti yenna awulidde atuuse kw'atabaddeewo, era n'abagamba nti:

«ربّ مبلغ أوعى من سامع»

«Tomanya oba oli awo atuusiddwako (ebigambo byange) ayinza okubitegeera okusinga abiwulidde buteerevu okuva kunze»

Era mu hadiith ezo mulimu eri mu swahiihi z'ombiriri nti mazima Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- bwe yasomera abantu khutuba mu hijja ye eyasembayo ku lunaku lwa Arafah ne ku lunaku lwa Nahari (olwa yidi) yabagamba nti:

«فليبلغ الشاهد الغائب فرب من يبلغه أوعى له ممن سمعه»

«Yenna abaddewo atuuse kwataliiwo kubanga tomanya, oba olyawo atuusiddwako asobola okubitegeera ennyo n'okusinga oyo abiwulidde (butereevu okuva kunze)»

Singa mazima ddala sunnah ze (hadiith ze) ssi bujulizi kw'aba aziwulidde n'aba azituusiddwako, ate era mazima singa sizakusigalawo okutuusizaddala ku lunaku lw'enkomerero, (Nabbi) teyandibalagidde kuzituusa kubalala, nabwekityo nekimanyibwa ku lw'ensonga eyo nti Sunnah bujulizi ku yenna aba aziwulidde butereevu okuva mukamwake -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ate era n'eri oyo yenne azituusiddwako munnyiriri entuufu (ez'abaazoogera)

Era mazima ba swahaaba b'Omubaka -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- baakuuma sunnah ze (butiribiri) ezebigambo, n'ezebikolwa, era nebazituusa kw'abo abajja oluvannyuma lwabwe mw'abo ab'abaddirira, n'oluvannyuma nabo nebazituusa kw'abo abajja oluvannyuma lwabwe, Era bwebatyo

abamanyi abeesigwa bwebazituusa okuva ku mulembe ogumu okutuusa kumulembe omulala n'okuva ku kyasa ekimu okutuuka ku kyasa ekirala, Nebazikuŋŋaanya mubitabo byabwe, era nebannyonyola entuufu muzo n'ennafu, Era bannyini kumanya b'asasaanya ebitabo bya sunnah okuva mu swahiihi ebbiri n'ebitabo ebirala era nebazikuuma bulungi nnyo nga Allah bw'akuuma ekitabokye eky'ekitiibwa obutazannyirwako muntu yenna, wadde abanoonyi okukyusaamu ekintu kyonna olw'okutuukiriza ekigambo kye ekigamba nti:

﴿إِنَّا نَحْنُ نَزَّلْنَا الذِّكْرَ وَإِنَّا لَهُ لَحَافِظُونَ﴾

﴿Mazima Ffe twassa (Quraani) era ddala mazima Ffe tujja okugikuuma﴾

Era tewali kubuusabuusa nti mazima sunnah z'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- bubaka obwassibwa (okuva eri Allah), Mazima Allah y'azikuuma nga bwakuuma ekitabo kye era Allah nazifunira abamanyi abeekenneenyi obutayingiramu kukyusibwa kw'abonoonyi mu kuwandiika oba abatamanyi okukyusa amakulu agatali ago agaagendererwamu, era nebazijjako buli kintu kyonna abalimba kyebaazipaatikako Kubanga Allah owekitiibwa yafuula sunnah za Nabbi nga

z'ezivvuunula ekitabokye eky'ekitiibwa era nga z'ezinnyonyola byonna ebiba bitategeerekese bulungi mukyo (Quraan) ng'amateeka, ate era nga waliwo amateeka amalala agataayogerwako mu Qur'an ey'ekitiibwa, ng'okulambulula amateeka agakwata ku kuyonsa, n'amateeka amalala agakwata ku by'obusika, wamu n'okuziyiza okugatta wakati w'omukyala ne ssengaawe, newakati w'omukyala ne maamawe omuto mu bufumbo bumu, n'amateeka amalala sunnah entuufu zegajja nago nga tegaayogerwa mu kitabo kya Allah eky'ekitiibwa. Ebimu ku byayogerwa okuva ku ba swahaaba n'abo abaabagoberera n'abaabaddira mubigere mu bannannyini kumanya mu kugulumiza sunnah n'obw'etteeka ku kuzikolerako..

mu swahiihi ebbiri okuva ku Abu hurairah -Allah Amusiime- yagamba:

لما توفي رسول الله -صلى الله عليه وسلم- وارتد من ارتد من العرب قال أبو بكر الصديق -رضي الله عنه- والله لأقاتلن من فرق بين الصلاة والزكاة، فقال له عمر -رضي الله عنه-: «كيف تقاتلهم وقد قال النبي -صلى الله عليه وسلم-:» « أمِرْتُ أَنْ أقَاتِلَ النَّاسَ حَتى يَقُولُوا لا إِلهَ إلا الله فَإذا قَالوها عَصَمُوا مِني دِمَاءَهُم وَأَموَالَهُم إِلا بحقِّها» فقال أبو بكر الصديق: أليست الزكاة من حقها والله لو منعوني عناقًا كانوا يؤدونها إلى رسول الله -صلى الله عليه وسلم- لقاتلتهم على منعها. فقال عمر -رضي الله عنه-: فما هو إلا أن عرفت أن الله قد شرح صدر أبي بكر للقتال فعرفت أنه الحق،

Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- weyafa, era n'abamu kubawalabu nebava mu

busiraamu, Abubakari swiddiiq -Allah amusiime yagamba: "Wallahi (mbalayirira Allah) ngenda kulwanyisa ddala oyo yenna ayawula wakati w'eswala ne zaka" Umar mutabani wa Khattwaabi -Allah Amusiime- n'amugamba: Butya bw'obalwanyisa nga Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- mazima yagamba nti: "Nalagirwa okulwanyisa abantu (abatakkiriza) okutuusa nga bayatudde nebagamba nti "Teri musinzibwa yenna mutuufu okujjako Allah" bwebakyogera bejjeereza ku nze emisaayi gyabwe n'emmaali yaabwe okujjako mu mazima" Abubakari swiddiiq namugamba nti: Abaffe zakka teri mw'ebyo eby'amazima ebivunaanyizibwa kubo, mbalayirira Allah singa bagaana okumpa omuguwa, nga baali baguleeterako ku mulembe gwa Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nja kubalwanyisa. Umar -Allah Amusiime- n'agamba : Kw'olwo lwennamanya nti Allah yali ayanjululizza Abubakar ekifuba kye okubalwanyisa ne mmanya nti ago ge mazima,

Era mazima ba swahaaba -Allah Abasiime- b'amugoberera kukyo nebalwanyisa abaali bavudde mu busiraamu okutuusa lwe baabazza mu busiraamu, nebatta yenna eyalemerayo mu bukaafu, Era mu kyafaayo kino mulimu obujulizi obweyolefu ku kugulumiza sunna, wamu n'obw'etteeka bw'okuzikolerako, Era Jajja (mukyala) yajja eri Abubakari -Allah Amusiime- nga amubuuza omugabogwe ogw'obusika, (Abubakar) n'amugamba nti: Tolina mugabo gwonna gwakuweebwa mu kitabo

kya Allah era mazima ddala ssikimanyiiko nti Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- alina omugabo gwonna gweyakugerekera, n'abuuza ku abantu

oluvannyuma (Abubakari) -Allah Amusiime- yabuuza baswahaaba ku nsonga eyo, abamu kubo nebajulira gy'ali nti mazima Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yawa jajja omukyala kimu kya mukaaga, bw'atyo ne Abubakar namuwa ekyo. Ate era ne Umar -Allah Amusiime- yali alaamira abasigire be okulamula wakati w'abantu n'ekitabo kya Allah, ate ensonga bw'eba tebagisanze mu kitabo kya Allah; balamuze Sunna z'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-

Era bweyakalubirizibwa ku nnamula y'omukyala akoseddwa (omuntu omulala) n'avaamu olubuto, abaffe afuuse ensonga y'olubuto okuvaamu awa mutango ki?, yakibuuza ba swahaaba, Muhammadi Ibun Maslamah ne Mughiira Ibun shuubah -Allah Abasime bombiriri- nebajulira gy'ali nti mazima ddala Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yalamula nti mu mbeera eyo omuntu aba akoze obulumbaganyi ku mukyala w'olubuto nekiruviirako okuvaamu aba alina okuwa omutango gwa kuta muddu

oba omuzaana owebbeeyi, era ne Abubakar -Allah Amusiime- naye n'alamula bw'atyo.

Ate era Uthmaan -Allah Amusiime- bweyakalubirizibwa kunnamula y'omukyala okutuula ewaka wa bbaawe afudde nga alinda ebbanga ly'alina okumala nga amukungubagira liggweko, kasita Farii-a bint Maalik Ibun Sinaan mwannyina wa Abii Sa-eed -Allah Amusiime- yamugamba nti yye (farii-a) Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yamulagira oluvannyuma lw'okufiirwa bba okusigala mu nnyumbaye okutuusa nga nga eryo ebbanga liweddeko (emyezi ena n'ennaku kumi) naye yalamula bw'atyo -Allah Amusiime-

Era bw'atyo bweyalamuza sunnah ku Waliid Ibun Uqubah mu kumuyimirizaako ekibonerezo ky'okunywa omwenge, Era Ali -Allah Amusiime- amawulire bwegaamutuukako nti Uthmaan -Allah Amusiime- agaana abantu okkola hijja ya tamattu-u, Ali yanuyirira hijja ne Umra omulundi gumu (tamattu-u mukugoberera sunnah) era n'agamba: Ssiyinza kuleka sunna ya Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- olw'ekigambo ky'omuntu yenna. Era abantu abamu bwebajja ewa Ibun Masuud -Allah Amusiime- nebajuliza ebigambo bya Abubakar

ne Umar -Allah Abasiime bombiriri- mu kugaana hijja ya tamattu-u, olw'okwagaza abantu okukola hijja ya Ifraadi, Ibun Abbaasi yabagamba nti: Ntya gyemuli okussibwako amayinja okuva mu ggulu (negabakuba nemuzikirira), mbagamba nti: Yagamba Omubaka wa Allah, ate nemungamba nti Abubakar ne Umar nabo balina kyebagamba, Bwekiba nti ayawukanye ku sunna za Nabbi olw'ekigambo kya Abubakar ne Umar atiiririrwa okussibwako ekibonerezo ate kiri kitya kw'oyo azaawukanako olw'ekigambo ky'oyo ali wansi waabwe oba olw'endowoozaye n'okunyinkirakwe nga ssekinnomu. Era abantu bwebaakaayanya Abdullaahi Ibun Umar mu sunna ezimu, Abdullaah yababuuza nti: Bannange, twalagirwa kugoberera Umar oba kugoberera Sunnah?

Era omusajja bweyagamba Imraani Ibun Huswain -Allah Abasiime bombiriri- nti tubuulire ku kitabo kya Allah (Qur'aani) ng'ate yye yali abanyumiza ku sunna; yanyiiga -Allah Amusiime- era n'agamba nti: mazima sunna z'ezinnyonnyola ekitabo kya Allah, era singa ssi sunna; tetwanditegedde nti mazima zuhuri erina laaka nnya, magaribi erina laaka ssatu, ate Fajiri erina laaka bbiri, era tetwanditegedde mu bulambulukufu mateeka ga zaka n'amateeka amalala sunna zegannyonnyola

mubulambulukufu, n'ebigambo bya ba swahaaba -Allah Abasiime- bingi ku kugulumiza sunna n'obw'etteeka bw'okuzikolerako, n'okwekesa akabi akali mu kuzaawukanako, ne mu bimu ku byo era, nti mazima Abdallah Ibun Umar -Allah Abasiime bombiriri- bweyanyumya n'ayogera ekigambo kya Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ekigamba nti:

﴿لا تَمْنَعُوا إِمَاءَ اللهِ مَسَاجِدَ اللهِ﴾.

﴿Temugaana bazaana ba Allah, (kugenda mu) mizikiti gya Allah﴾.

Omu kubatabanibe n'agamba nti wallaahi (ndayira Allah) tujja kubagaana, Abdallah Ibun Umar yanyiiga n'amuvuma oluvuma olw'amaanyi n'agamba nti: ngamba nti Omubaka wa Allah yagamba ate n'ogamba nti: wallaahi tujja kubagaana Era Abdullah Ibun Mugaffal Al-Muzani -Allah Amusiime-, omu ku ba swahaaba b'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- bweyalaba omu ku b'olugandabe ng'akubisa butida (okkuba sabbaawa) yakimugaana era n'amugamba nti Nabbi okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- "Yagaana okukanyuga obuyinja obutono, n'agamba nti mazima tebuyigga kintu kyonna wadde okukosa omulabe, wabula ate okuwangulamu erinnyo oba okutundulamu eriiso. Ate

oluvannyuma n'amulaba nga agikubisa, kwe kumugamba nti; wallaahi sigenda kuddamu kwogera naawe nakugamba nti Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- yagaana okukanyuga amayinja ate n'oddamu!

Baihaqi yayogera hadiithi nga eva ku Ayyubu al-ssikhatiyaani omu kubataabi-e (abaddawo oluvannyuma lwa ba swahabah) abakukunavu nti mazima yagamba: Singa onyumiza omuntu hadiithi (sunnah) n'akugamba nti "tuleke naawe" tunyumize ku Quraani; manya nti mazima oyo mubuze, era Imaam Al-Awzaa-i Allah amusaasire yagamba: sunna z'ezilambika Quraani oba z'ezikomeka ekyo kyeyaleka nga ssi kikomeke, oba okwogera amateeka Quraani g'etaayogera, nga Allah bweyagamba nti:

﴿وَأَنْزَلْنَا إِلَيْكَ الذِّكْرَ لِتُبَيِّنَ لِلنَّاسِ مَا نُزِّلَ إِلَيْهِمْ وَلَعَلَّهُمْ يَتَفَكَّرُونَ﴾

﴿Era twassa ku ggwe ekyokujjukiza osobole okunnyonnyola abantu ekyo ekyassibwa gye bali olwo babe nga beefumiitiriza﴾

Era twalabye gyebuvuddeko ekigambo kya Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ekigamba nti:

«أَلا إِني أوتِيتُ الكِتابَ ومثلَه مَعَهُ»

«Abaffe mazima nze nnaweebwa Ekitabo wamu n'ekikifaanana»

Era Al-Baihaqi yayogera hadiithi nga eva ku Amir al-sha-abiyy -Allah amusaasire- nti mazima ddala alinako abantu be yagamba nti: "Mazima mwazikirira mmwe kasita mwalekerera obuwufu (nga ategeeza hadiith entuufu obutazikolerako)"

Era Al-Baihaqi n'ayogera hadiithi nga eva ku Al-awuzaa-ie -Allah amusaasire- nti yagamba abamu mu mikwano gye nti: Singa otuukibwako hadiithi okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nkwekesa okwesembesa oba okukolera ku kitali yo; kubanga mazima Omubaka wa Allah yali atuusa bubaka kuva eri Allah owekitiibwa.

Era Al-Baihaqi yayogera hadiithi eva ku Imaam omukukuutivu Sufyaan Ibun Sa-eed Al-thawuriyy -Allah amusaasire- nti mazima yagamba nti: Mazima okumanya kwonna kuli mu kumanya buwufu, Ne Imaam Maalik -Allah amusaasire- yagamba: Teri n'omu muffe okujjako nga agaana ekigambo ky'omulala era ekigambokye naye kisobola okumuddizibwa (nekigaanibwa nti ssi kituufu) okujjako ekigambo kya nnyini ntaana eyo n'alaza eri entaana y'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye-

Ne Abu Haniifa - Allah amusaasire- naye yagamba: "Singa hadiithi yonna ejja okuva ku Mubaka wa Allah

-okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- kyekyo-kyekyo tewali kirala"

Ne Shaafi -Allah amusaasire- yagamba: "Wonna wenjogerera okuva ku Mubaka wa Allah- hadiithi yonna entuufu ate nessigikolerako mbakakasa nti awo amagezi gange gaba gagenze (mba ssi kyategeera)

Era n'agamba ewalala -Allah amusaasire-: "Singa njogera ekigambo kyonna, hadiithi nejja nga eva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nga ekyawukanako, ekigambo kyange mukikanyuge kukisenge (mukireke mutwale ekya Nabbi)

Imaam Ahmada Ibun hambali -Allah amusaasire- yagamba abamu ku mikwano gye nti: "Tokoppa nze, era tokoppa Imaam Maaliki, wadde Imaam Shaafi wabula kwata wenywereze naffe wetujja (hadiith za Nabbi)"

Era yagamba -Allah amusaasire-: "Newuunya abantu abamu abamanya olunyiriri lwa hadiithi nga nalutuufu okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ate nebagenda ewa Sufiyaan, ate nga Allah ow'ekitiibwa yagamba:

﴿فَلْيَحْذَرِ الَّذِينَ يُخَالِفُونَ عَنْ أَمْرِهِ أَنْ تُصِيبَهُمْ فِتْنَةٌ أَوْ يُصِيبَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ﴾

{Abo abaawukana ku kigambokye bateekeddwa okutya okuba nga batuusibwako ekikemo (fitnah) oba ebibonerezo ebiruma ennyo} Yagamba nti: ow,ange omanyi ekikemo (fitnah) kye kki? Effitina kwe kugatta ku Allah ekintu ekirala kyonna (shirik) oba oly'awo omuntu bw'azzaayo ebimu ku bigambo bya Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- afuna mu mutimagwe enkenyera oba okuseerera nafundikira nga azikiridde,

Era Al-Baihaqi yayogera hadiithi nga eva ku Mujaahid Ibun Jabri omu ku ba taabii abakukuutivu ennyo yayogera ku tteeka lya Allah erigamba nti:

﴿فَإِنْ تَنَازَعْتُمْ فِي شَيْءٍ فَرُدُّوهُ إِلَى اللَّهِ وَالرَّسُولِ﴾

{Bwe mufunye obutakkaanya ku nsonga yonna mugizze eri Katonda n'omubaka} Yagamba nti: okuzza eri Allah kitegeeza kudda eri Ekitabo kye, ate okuzza eri Omubaka; kitegeeza kudda eri Sunnah/ hadiith,

Era Al-Baihaqi yayogera ebigambo okuva ku Zuhuri -Allah amusaasire- yagamba nti: Ab'atusookawo mu bamanyi baffe baalinga bagamba nti "okwekwata ku sunnah kwekuwona" Muwaffaqu ddiini Ibun Qudaama -Allah amusaasire- yagamba mukitabo kye Rawudhat nnaadhiri mu kunnyonnyola ebikolo by'amateeka mubigambo bye nti: N'ensibuko ey'okubiri ey'obujulizi: ze sunna z'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ate era

n'ekigambo ky'omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- bujulizi obulaga ekyamagero ky'amazimage, wamu n'ekiragiro kya Allah okumugondera (nabbiwe) era n'okutwekesa okumwawukanako.

kyetwagaddemu awo wekikoma.

Era Haafith Ibun Kathiir -Allah amusaasire yagamba mu tafusiiriye nga annyonyola etteeka lya Allah erigamba nti:

﴿فَلْيَحْذَرِ الَّذِينَ يُخَالِفُونَ عَنْ أَمْرِهِ أَنْ تُصِيبَهُمْ فِتْنَةٌ أَوْ يُصِيبَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ﴾

{Abo abaawukana ku kigambokye bateekeddwa okutya okuba nga batuusibwako ekikemo (fitnah) oba ebibonerezo ebiruma ennyo} Yagamba nti Amakulu: (okwawukana) ku kiragiro ky'Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- era nga ly'ekkubolye n'enkolaye ne sunnaze n'amateekaage. Nekibeera nti ebigambo n'emirimu (gyaffe) bigerageranyizibwa (n'okupimibwa) ku bigambo bye, kyonna ekikwatagana n'ebibye kikkirizibwa (era kitwalibwa) nakyonna ekibyawukanako kiddizibwa nannyinikyo akyogedde nakikoze k'abe ani yenna!

nga era bwekyajja mu swahiihi ebbiri (eya Bukhaari ne Muslim) ne mu bitabo ebirala okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nti mazima yagamba:

«مَنْ عَمِلَ عَمَلًا ليسَ عَليهِ أَمْرُنا فَهُوَ رَدّ»

«Omuntu yenna akola omulimu nga teguliiko ndagiriro yaffe; gumuddizibwa (Tegukkirizibwa)»

Amakulu nti: abaffe atye era yeekeke nnyo oyo yenna ayawukana ku mateeka g'Omubaka kungulu oba munda (mu lujjudde oba mu kyama)

﴿أَنْ تُصِيبَهُمْ فِتْنَةٌ﴾.

{okutuusibwako ekikemo}.

Amakulu: Okutuusibwako ebikemo mu mitima gyabwe nga obukaafu oba obunnaanfuusi, oba okuzuula mu ddiini (bidi-a).

﴿أَوْ يُصِيبَهُمْ عَذَابٌ أَلِيمٌ﴾.

{Oba okutuusibwako ebibonerezo ebiruma ennyo (ebikakali).}

Amakulu: wano ku nsi, nga battibwa oba okusibwa, n'ebirala ebiringa ebyo, nga era Imaam Ahmada bweyagamba nti: yatunyumiza Abdul-Razzaaq nti: yagamba Ma'mar nga abijja ku Hammaamu Ibun Minabbih nti yagamba nti: yatunyumiza Abu hurairah nti: Yagamba Omubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- nti:

«مثَلي وَمثَلُكمْ كمَثَلِ رجلٍ استَوْقَدَ نارًا فَلمّا أَضَاءَتْ مَا حَوْلَهَا جَعَلَ الفراشُ وهَذِهِ الدّوابُّ اللائِي يَقَعْنَ في النَّار يَقَعْنَ فِيهّا وَجَعَلَ يَحْجُزُهُنّ وَيَغْلِبْنَهُ فَيَقْتَحِمْنَ فِيَها قَالَ فَذَلِك مَثَلي وَمَثَلَكمْ أَنا آخُذُ بحَجْزِكُم عَن النَّار هَلُمّ عَن النارِ فَتَغْلِبُوني وَتقْتَحِمُونَ فِيهَا»

«Eky'okulabirako kyange nammwe kiringa omusajja eyakuma omuliro, bwegwamala okumulisa byonna ebigwetoolodde ekitangaala, ebiwojjolo n'amayanzi (n'ebiralalala ebyeyunira omuliro) nebitandika okugwa mu muliro omusajja nga agezaako okubitangira obutagwamu naye nga bimuyitako nebigwamu. nabbi n'agamba nange bwentyo bwenfaanana gyemuli, mbakwata ebikondoolo obutagwa mu muliro naye munneesimattulako nemugwa mu muliro»

Baagyogera bombiriri (Al-Bukhaari ne Muslim) okuva mu hadiith ya Abdul-Razzaaq

Ate ye Imaam As-Suyuutwi -Allah amusaasire yagamba- mukitabokye ekiyitibwa "Miftaahul jannah fil-ihtijaaj bi-ssunna" mubigambo bye bwati: Mukimanye -Allah abasaasire- nti yenna awakanya okuba nti hadiithi za Nabbi -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- kazibe za bigambo oba bikolwa nga obukwakkulizo bwazo obumannyiddwa butuukiridde (amakulu: nga ntuufu) n'awakana nti tezeesembesebwa nazo nga bujulizi, akimanye nti aba akaafuwala olwekyo era n'afuluma mu Busiraamu era wakuzuukizibwa n'abayudaaya n'abakulisataayo oba n'abo bonna Allah b'aliba Ayagadde okuva mu bibinja by'abakaafu

kyetwagaddemu kikomye awo

N'ebyokulabirako wamu n'ebigambo okuva ku ba swahaaba ne bataabi-iina n'abo abajja oluvannyuma lwabwe muba nannyini kumanya, nga bikwata ku

kugulumiza sunna n'obw'etteeka bw'okuzikolerako n'okwekesa okuzaawukanako biyitirivu nnyo, nga era bwensuubira nti bye twogeddeko mu aaya ne hadiithi, nebigambo bya baswahaba bimala era bimatiza oyo yenna anoonya amazima, era tusaba Allah netusabira n'abasiraamu bonna atugondeze okukola byasiima era atuwonye byonna ebiyinza okutuusa eri obusungu bwe, era atuluŋŋamye fenna wamu eri ekkubo lye eggolokofu, mazima yye ali kumpi nnyo era awulira.

Nsaba Allah asse ebyengera n'emirembe ku mudduwe era Omubakawe Nabbi waffe Muhammadi n'abantu bennyumbaye ne ku ba swahaaba be n'abo bonna ababagoberera mukukola obulungi.

(Kyawandikiibwa) Abdul Aziiz Ibun Abdullaahi Ibun Baazi- Allah amusaasire-

# الفهرس

Obw'etteeka bw'okukolera ku nkola y'omubaka okusaasira n'emirembe bibeera ku yye, n'okukaafuwala kw'oyo akiwakanya. ........ 2
kyawandiikibwa: ........ 2
Ennyanjula ........ 2
Ebikolo ebyesigamwako mu kunywezaawo amateeka: ..... 4
Ekikolo ekisooka: Kitabo kya Allah ekyekitiibwa (Qura'an) ........ 4
Ekikolo ekyokubiri: Bye byo ebituufu ebyakakasibwa okuva ku Mubaka wa Allah -okusaasira n'emirembe bibeere ku yye- ne ba swahaabah be n'abo abajja oluvannyuma lwabwe mubaanannyini kumanya n'obukkiriza. ................ 7

lg50v1.0 - 03/09/2026